**22nd July 2018.**

# OWAFFE ERA OBWAFFE BWE BWAKABONA BW'OBWAKABAKA.

**(Ours and for us is the royal priesthood).**

**Abaebbulaniya 7.**

Mu ssuula yaffe ey'omusanvu mu nsoma zaffe mu kitabo ky'Abaebbulaniya twongera amakya ga leero okukkaatirizibwa obusukkulumu bwa Kabona waffe Asinga Obukulu Yesu Kristo nga bwe guli omulamwa omukulu ennyo mu kitabo kino.

Era ku lwange bukya ntandika kisomako ku ntandikwa ya wiiki ewedde ekimbadde ennyo mu ndowooza ky'enkozesezza ng'omulamwa gwaffe, kubanga ndaba mu ssuula eno Obwakabona bw'obwakabaka (A royal priesthood), n'enzijukizibwa I Peetero 2:9… "Naye mwe muli kika kironde, bakabona bw'obwakabaka, eggwanga ettukuvu, abantu ba Katonda bennyini. Mwalondebwa mulyoke mutende ebirungi bya Katonda eyabaggya mu kizikiza n'abayingiza mu butangaavu bwe obutenkanika."

Ng'ate kiba kirungi nnyo okuluka essuula gy'etandikira n'ebyo bye twakasomesebwaako mu kitabo kyaffe mu ssuula ezaakaggwa….*(nsaba musome nny.1-10, eddako).*

Naye olw'olubu lwa Merukizeddeeki bwe luli, olutubuulirwa mu ssuula 6:20….

Ki ndaga ekitufuula naffe okuba bakabona bw'obwakabaka (I Pet. 2:9), kubanga fenna abakkiriza mu Yesu Kristo tuyingizibwa mu Yye era naye abeera mu ffe era nga bwe tulaba leero kino kiba kya lubeerera.

Ekinzigirayo amakulu g'ennyiriri ezaankomako ennyo mu bye twaasomesebwa omulundi oguwedde (Charles) mu 6:17-19.. "Ne Katonda bw'atyo, kyeyava ateekawo ekirayiro ng'ayagala okukakasiza ddala abasika b'ekisuubizo nti Talijjulula ekyo kye yasuubiza. Katonda yakikola bw'atyo, okutulaga ebintu bibiri ebitajjulukuka, nti akuuma ekisuubizo kye awamu n'ekirayiro kye. Talimba. N'olwekyo ffe abaddukira gy'ali okutulokola, tusaana okuba abagumu kubanga talirema kutuwa ebyo bye yasuubiza. Essuubi eryo lye linywereza ddala emmeeme zaffe ng'ennanga bw'enyweza eryato. Essuubi eryo lituyingiza munda w'eggigi."

Era ebyo bituukirizibwa olw'embala ya Kabona waffe Asinga Obukulu nga bwe tulaba leero.
Tusome essuula 7:1-3…..
Byaaliwo mu Lubereberye 14:17-20, nga ky'ekitundu omusookwa okulaba Merukizeddeeki mu byawandiikibwa, era lwaddamu okwogerwaako lwe mu Zabb.110:4 mwe tulabye muva ekirayiro ky'ekisuubizo eri Yesu Kristo, era omusinziirwa eby'ogerwaako mu ssuula zino okuva mu y'okutaano.
Yali Kabaka w'Obutuukirivu, ate era Kabaka w'eSsaalemi ekitegeeza nti ye Kabaka ow'emirembe. Nga bwe guli nti osooka kuba na butuukirivu okuba n'emirembe…….
*(Sijja ggenda nnyo mu mufaanaanyiriza Yesu Kristo).*
Tusome 4 – 10………

Tusome 11 – 28 nga bwe tweetegereza…….